**8/3/2020**

## MUKAMA ATUWADDE OKUBEERAWO KWE

## OKUBALA 9,10

**Mu kitundu kino tugena kulaba;**

i) Kristo Akaliga k'Okuyitibwako kwaffe
ii) Era n'okubeerawo kwa Mukama Katonda mu massekkati g'abantu be.

**Vs 1-14 Okukwata Embaga ey'Okuyitako**

**vs 1-5** Mukama n'alagira Musa okugamba abaana ba Isirayiri bakwate Embaga ey'Okutitako.

Guno gwali mwaka gwa kubiri mu mwezi ogw'olubereberye kasookeddenga bava e Misiri.

Era Musa yakola nga bwe yagambibwa n'alagira abaana ba Isirayiri ne bakwata embaga ey'Okuyitako. Yakwatibwa mu mwezi ogw'okubiri ku lunaku olw'ekkumi n'ennya nga bwekyali olubereberye.

**Vs 6-13** Waaliwo abataakwata mbaga ey'omulunndi guno kubanga baali bakutte ku mufu era bwebeebuuza ku Musa, Musa yagenda n'abuuza Mukama olwo Mukama n'alungamya abantu bano bakwate Embaga eno mu mwezi ogw'okubiri ng'ennaku z'omwezi kkumi nannya

Ate olwo bo abaagaana obugaanyi okutwata Embaga eno baali ba kuwangangusibwa okuva mu bantu baabwe.

**Vs 14** Munnaggwanga yenna eyatuukirizanga amateeka g'okukwata Embaga eno yakkirizibwanga.

**<u>Okuva 12:21-28</u>** ***'Awo Musa n'ayita abakulembeze ba Isirayiri bonna, n'abagamba nti, "Mwerondere abaana b'endiga ng'amaka gammwe bwe gali, mutte omwana gw'endiga ogw'Okuyitako. Musibe bulungi akaddo k'akakubansiri, mukannyike mu musaayi gwe mutadde mu bensani, mulyoke mumansire ku mwango gw'oluggi waggulu, ne ku njuyi zombi ez'omwango. Tewabaawo n'omu afuluma ennyumba ye okutuusa ng'obudde bukedde. Kubanga Mukama ajja kuyita awo ng'agenda okutta Abamisiri; kale bw'anaalaba omusaayi ku mwango gw'oluggi waggulu ne ku mwango mu mbiriizi z'oluggi, oluggi olwo Mukama ajja kuluyitako, era tajja kukkiriza oyo azikiriza kuyingira mu nnyumba za mmwe n'okubatta."Kibagwanira okugondera ebiragiro bino ng'etteeka, mmwe ne batabani bammwe emirembe gyonna. Era bwe muliyingira mu nsi Mukama gy'alibawa nga bwe yasuubiza, temwerabiranga mukolo guno.Abaana bammwe bwe balibabuuza nti, 'Omukolo guno gutegeeza ki?'Mulibaddamu nti, 'Kino kye kiweebwayo eri Mukama eky'Okuyitako, kubanga yayita ku nnyumba z'Abayisirayiri mu Misiri, n'awonya amaka gaffe, bwe yatta Abamisiri.' " Awo abantu ne bavuunama ne basinza.Abaana ba Isirayiri ne bagenda ne bakola nga Mukama bwe yalagira Musa ne Alooni, bwe batyo bwe baakola.***

Embaga eno yali mujjukiza eri abaana ba Isirayiri era nga baagitwalanga nga y'amugaso mu bulamu bwabwe era nga yabajjukiza obulokozi Mukama bwe yabawa bweyasanyawo ebibereberye e Misiri.

Ffe leero tuli mu ndagaano eyanywezebwa n'omusaayi gwa Kristo Yesu akaliga k'okuyitibwako kwaffe.

**<u>1 Abakkolinso 5:7</u>** ***'Muggyeemu ekizimbulukusa eky'edda, mulyoke mubeere ekitole ekiggya, nga temuliimu kizimbulukusa; kubanga Kristo ye ndiga eyaweebwayo ng'ekiweebwayo eky'Okuyitako ku lwaffe.'***

Obulokozi buno bwa bantu bonna si nsonga tuli baakikula ki wabuala Yesu Kristo akaliga k'okuyitibwako kwaffe alokola buli muntu.

**<u>Abaggalatiya 3:28</u>** ***'Tewakyali kusosola wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, wakati wa muddu na wa ddembe, wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu.'***

**Vs 15-23** Ekire waggulu wa Weema ya Mukama

Ekire ekiringa omuliro kyabikka ku Weema ya Mukama ku lunaku lweyasimbibwa. Ekire kino kyaliwo okuva akawungeezi okutuuka ku makya.

Ekire kyabikkanga Eweema ekiro n'emisana. Ekire bwe kyasimbulanga ng'olwo n'Abayisirayiri nabo basimbula ate bwe kyayimiriranga olwo nabo nga basiisira.

Mukama yayita mu kire kino okubalagira okutambula oba okuwummula.

Ekire kino kyali kabonero akalaga okubeerawo kwa Mukama mu massekati gaabwe era buli lwebaakirabanga baamanyanga nti waali.

Okubeerawo kwe kwabalungamyanga okutambula oba okusiisira.

**<u>Abaleevi 16:2</u>** ***'Mukama n'agamba Musa nti, "Tegeeza muganda wo Alooni alemenga okujja buli w'anaayagaliranga, mu kifo Awatukuvu ekiri munda w'eggigi, okutunuulira entebe ey'okusaasira eri ku Ssanduuko ey'Endagaano; bw'alikikola talirema kufa; kubanga nzijanga kulabikira mu kire nga kiri waggulu w'entebe ey'okusaasira.'***

**<u>2 Bassekabaka 5:10-12</u>** ***'Erisa n'atuma omubaka okumugamba nti, "Genda, onaabe mu Yoludaani emirundi musanvu, onoowonyezebwa, omubiri gwo ne gudda buto." Naye Naamani n'anyiiga, n'agenda nga yeemulugunya nti, "Ndowoozezza nti anaavaayo n'ajja, n'ayimirira n'akoowoola erinnya lya Mukama Katonda we, n'awuba omukono gwe ku bitundu ebirina ebigenge, n'amponya. Abana ne Faafa, emigga gy'e Damasiko tegisinga amazzi gonna ag'omu Isirayiri? Lwaki sinaabira mu gyo ne mponyezebwa?" N'akyuka n'agenda ng'ajjudde obusungu bungi.'***

Tulaba ate ne mu mirembe gya Yesu nga Mukama Katonda akozesa ekire okwogera n'abayigirizwa wamu n'abantu abalala.

**Matayo 17:5** ***'Bwe yali akyayogera ebyo ekire ekimasamasa ne kiva waggulu ne kibabuutikira eddoboozi ne liva mu kire ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange gwe njagala ennyo, era gwe nsanyukira ennyo. Mumuwulirenga."'***

**Essuula 10 Amakondere, okuva mu Sinaayi n'Essanduuko y'Endagaano mu lugendo**

**Vs 1-10** Mukama yalagira Musa aweese amakondere abari mu ffeeza.

Gano gaali gaakukungaanya bantu; gombi bwegaafuyibwanga, ng'Abaana ba Isirayiri banna ba kungaana ku mulyango gwa Weema. Erimu lyakunganyanga abakulu b'ebika.

Amakondere gano gaali gaakusimbula Ebika ng'ekiseera eky'okusimbula kituusa buli kika ku mulundi gwakyo.

Amakondeere gaafuyibwanga batabani ba Alooni era nga lino lyafuuka tteeka nti ne bwebaalinga bagenda mu lutalo amakondeerere ag'omwanguka gaafuyibwanga okujjukirwa Mukama Katonda okubalwanira mu lutalo.

Mu ssanyu ne mu kujaguza embaga baafuuwanga amakondeere era nga bwebawaayo ebiweebwayo.

**Vs 11-32** Ekire kyasitulwa mu mwezi ogw'okubiri mu mwaka ogw'okubiri. Kyabatambuza okuva e Sinaayi okutuuka mu ddungu lya Palani.

Okutambula kwakolebwa mu bibinja nga Mukama bweyalagira mu ssuula ey'okubiri.

Ebika byasimbulira mu bibinja era byagoberegana;

i) Yuda omwali Isakaali ne Zebbulooni
   Bano bwe baamala okusimbulwa n'Eweema ya Mukama n'esitulibwa nga esituddwa Abagerusooni n'Abamerali.
ii) Lewubeeni omwali Simyoni ne Gaadi
   Abakokasi baasitula oluvannyuma nga beetisse ebintu ebitukuvu eby'omu Weema.
iii) Efulayimu omwali Manase ne Benyamini
iv) Ddaani omwali Aseri ne Nafutaali

Vs 33-36 Mu kutambula kuno Essanduuko ya Mukama n'ekire byabakulemberanga.

Abeetikka Essanduuko ya Mukama bwe baasitulanga nga Musa abamba nti "Golokoka Mukama abalabe bo basaasaane, amagye agakulwanyisa gakuddduke."

Ate bweyawummuzibwanga nga Musa agamba nti "Komawo, Ayi Mukama, eri enkumi n'enkumi eza Isirayiri."

Nga bwetulabye ekire, n'Essanduuko y'Endagaano yali ekiikirira okubeerawo kwa Mukama mu massekati g'abantu bano.

Abantu bano baalina omukisa mu bo nti Mukama yabeeraganga mu buliwo okuyita mu kire, n'abawa okubeerawo kwe, ate era n'abasengeka nga bwetulabye ebika bwebyasengekebwa mu ntambula yaabyo.

Okubeerawo kwe Musa kweyasaba ng'akwakkulizo k'okugenda kwabwe.

<u>**Okuva 33:12-18**</u> ***'Musa n'agamba Mukama nti, "Obadde ontegeeza nti, 'Kulembera abantu bano,' naye omuntu gw'onontuma naye tomuntegeezezza. Ogambye nti, 'Nkumanyi awamu n'erinnya lyo, era onsanyusizza.'Obanga nkusanyusizza, njigiriza amakubo go ndyoke nkumanye era nneeyongeranga okukusanyusa. Jjukira nti eggwanga lino be bantu bo."Mukama n'addamu nti, "Nnaagendanga naawe, era nnaakuwummuzanga."Musa n'amugamba nti, "Obanga toogende naffe, totuggya wano. Kale abantu balitegeerera ku ki nga Nkusanyusizza, nze n'abantu bo? Si lwa kubanga onooba ogenze naffe, ne tuba ba njawulo, nze n'abantu bo, nga twawukana ku bantu bonna ab'oku nsi?"Awo Mukama n'agamba Musa nti, "Nzija kukola ekyo kyennyini ky'osabye; onsanyusizza, era nkumanyi awamu n'erinnya lyo." Musa n'agamba nti, "Nkwegayiridde, ndaga ekitiibwa kyo."'***

Mukama yalaga Musa ekitiibwa kye era n'abaana ba Isirayiri bonna ne balaba ekitiibwa kye mu ddungu.

Ekitiibwa ky'okubeerawo kwa Mukama kyalinga kikulu eri abantu be era nga beegomba okubeera mu kubeerawo kwe.

<u>**Isaaya 64:1-3**</u> ***'Okwolesebwa kwa Isaaya, mutabani wa Amozi, kwe yafuna okukwata ku Yuda ne Yerusaalemi mu bufuzi bwa Uzziya, ne Yosamu, ne Akazi ne Keezeekiya, bassekabaka ba Yuda.***

***Wulira ggwe eggulu, mpuliriza ggwe ensi, kubanga bw'ati Mukama bw'ayogera nti, "Nayonsa ne ndera abaana naye ne banjeemera.***

***Ente emanya nannyini yo n'endogoyi emanya ekisibo kya mukama waayo, naye Isirayiri tammanyi, abantu bange tebantegeera."'***

Okubeerawo kwa Mukama kwalimu obugabirizi bwabwe; emmere, amazzi, obukuumi era kwali kwa mugaso mu bulamu bwabwe.

Mu biro bya Kristo, Katonda yalabikira mu mubiri ogulinga ogwaffe mu Yesu Kristo.

<u>**Yokaana 1:1,*14***</u> ***'Kigambo yaliwo ng'ensi tennatondebwa. Kigambo yali ne Katonda, era Kigambo yali Katonda.Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeera mu ffe, ne tulaba ekitiibwa kye, ng'eky'oyo omu yekka eyava eri kitaffe ng'ajjudde ekisa n'amazima.'***

<u>**Yokaana 14:6-7**</u> ***'Yesu n'addamu nti, "Nze kkubo, n'amazima n'obulamu. Tewali n'omu ajja eri Kitange wabula ng'ayita mu Nze.***

***Singa muntegedde ne Kitange mwandimutegedde. Era okuva kaakano mumulabye era mumutegedde."***

Leero atuwade okubeerawo kwe okuyita mu Mwoyo we omutukuvu ali naffe ate ali mu ffe abakkiriza Yesu Kristo.

**Yokaana 14:17** ***"Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe."***

**Abaluumi 8:11** ***"Era obanga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu abeera mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu, alifuula emibiri gyammwe egifa okuba emiramu ku bw'Omwoyo we abeera mu mmwe."***

**Okubeerawo kwe kutugasa ki leero?**

i) Kutuuma nga tuli batukuvu kubanga Omwoyo Omutukuvu ali mu ffe

**Yokaana 16:8-10** ***"Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu n'olw'omusango, kubanga tebanzikkiriza, olw'obutuukirivu kubanga ŋŋenda eri Kitange era temukyandaba,"***

ii) Kutuyamba okuweereza Katonda nga tumanyi nti ddala tetuli ffekka naye Mukama ali wamu naffe

**Matayo 28:19-20** ***"Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo."***

iii) Kutulungamya mu byetukola kubanga oyo ali muffe amanyi byonna

**Yokaana 16:13** ***'Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluŋŋamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo.'***

iv) Kutuwanguza entalo mu bulamu bwaffe obw'obulokozi

**1 Yokaana 4:4** ***'Mmwe, abaana abaagalwa, muli ba Katonda era mumaze okuwangula, kubanga oyo ali mu mmwe wa maanyi okusinga oyo ali mu nsi.'***

Atuwadde okubeerawo kwe wano kunsi naye tujjukire nti tugenda kubeera mu kubeerawo kwe ennaku zonna nga tuvudde mu nsi muno era okweteekateeka kwaffe okumusisinkana kusalewo byonna mu bulamu buno bwe tulimu.